| Essomo 2 | الدرس الثاني |
|---|---|

# N’omuteeko ogwokubiri

Kwekwawula Katonda mukumusinza:
Nakwo kwekwawula Katonda mubika-bika by’okusinza byonna amakulu ebya Ibaada zonna okubeera ng’omuntu tatekawo kintu kyonna nga akigatta ku Allah mukukisinza, era nga omuteeko guno gwegusinga obukulu mu miteeko gyokwawula Katonda era gwegwo ogwamunza Allah abantu nga bwagamba mu Surat Zariyaat Aya.56 agamba nt.
“Agamba nti satona majinni n’abantu okujjako lwakinsinza”.
Era gwemuteeko ogwatumisa ababaka nebisibwa nebitabo nga bwagamba Allah mu Surat Anibiya Aya 25 nt:
Agamba nti era tetwatuma mubaka yenna olubeleberye lwo (gwe Nabbi Muhammadi) okujjako twasa gyali obubaka obugamba nti tewali asinzibwa mumazima okujjako nze (Katonda omu) n’olwekyo munsize nzekka.
N’omuteeko guno ogwa Tauhiid gwemuteeko gwe baaganira ddala banashiriki era nebaguvumirira omubaka bweyabakowoola kugwo okugukkiriza neba mugamba nga Allah bwagamba mu Qur’an Aya 80 Surat Aarafu:

Baagamba nti; tujjidde tusinze Katonda omu otulekese ebyo ebyebbali basinze bakiffe.
N’olwekyo tekikkirizibwa kukwata Ibaada yonna mubika bya Ibaada nogikolera ekintu ekirala kyonna atali Allah, kaabeere malaika ali okumpi ennyo ne Allah kabeere nabbi eyatumwa kabeere Walli omulongoofu, kabeere omulala yenna mubitonde, kubanga Ibaada tekikkirizibwa kukolera muntu yenna atali Allah.